

CBM Uganda
ABOLUGANDA MU YESU
EBIKULU MUMAZIMA GA BAIBULI
OBULAMU OLUVANYUMA LW'OKUFA
KIKI BAIBULI KYESOMESA?

Bwonamala okusoma akatabo kano ojja kuba ng'omazze okufuna ekudibwamu eri ebibuzo binno:

1. Kulwaki ekirowoozo kya Yesu ku bulamu oluvanyuma lwe kufa kyamuwendo?
2. Suubi eya Baibuli ku bulamu obwo mumaaso kyeki?
3. Ddi abalonde lwe balibeera ne Yesu Kristo?
4. Okuzuukira okwa bafu kyeki?
5. Okusalirwa omusango kyeki?
6. Kiki Baibuli kyeyogera ku mmeme egyitafa?
7. Ngeri ki entuko egyo mumaaso wegyegatira awamu?

1. KULWAKI EKILOWOOZO KYA YESU KUBULAMU OLUVANYUMA LWO KUFA KYAMUWENDO?

Ensi ebadde na bakulembeze bangi, abamu abebyo bufuzi nabalala abe diini. Ku bafuzi bonna abekitalo, Yesu Kristo ye yeka eyazuukizibwa okuva mu bafu. Enkumu za bantu bamulaba oluvanyuma lwo kuzuukira kwe (1 Abakkolinso 15: 3-8). Kino kifula Yesu owenjawulo, kubanga ye yalaba obulamu oluvanyuma lwo kufa, ye yemulungi okututegeza kukyo. Bwetubera abagezi tujja kuwuliriza ki kyalina okutegeza.

2. SUUBI EYA BAIBULI KU BULAMU OBWO MUMAASO KYEKI?

Omusiirikale lumu yasaba nga natandika olutalo:

"Ai Katonda, bwe waberayo Katonda, wonya emmeme yange, bwe mba nina emmeme" nga kitale, nti newankubadde yali kumpi okufa, yali tamanyi kyonna mumaaso.

Bwekityo abantu bangi enaku zino abali ng'omusiirikale oli. Tebaliko kye bamanyi nti bayinza okusuubira bwe bafa.

Suubi eya Baibuli ensizira ku mazima age mirundi essatu.

- (a) Okuda okwa Yesu okuva muggulu.
- (b) Okuzuukira okwa bafu; no.
- (c) Kusaawe okwo bwakabaka obwa Katonda kungsi no mwana we Yesu Kristo.

Yesu kenyini ayogera kumazima ganno amakulu bwa gamba, "Omwana w'omuntu bwa lijja mukitibwa kye ne bamalayika be abatuukuvu awamu naye, awo alitula kuntebbe ye eyekitibwa" (Matayo 25: 31) ne "Ekisera kijja mu kye abo bonna abali mumagombe baliwulira eddobozi lye ne bazuukuka" (Yokaana 5: 28,29). Okumanya suubi eno kijja kutuyamba okutegera kiki Baibuli kyesomesa ku bulamu oluvanyuma lwo kufa.

3. DDI ABALONDE LWE BALIBEERA NE YESU KRISTO?

Yesu ajjwo okubusabusa gye tuli. Bwagamba "Omwana w'omuntu alijja mukitibwa kya Kitawe ne bamalayika be era aliwa empeera buli kinomu kinsinzira kubikolwa bye" (Matayo 16: 27). Wegendereze okudinganako okwe ntuko:

(a) Yesu alijja Mukitiibwa, n'oluvanyuma....

(b) Aligaba empeera.

Okusookera ddala ajja no luvanyuma agabe empeera. Nga Yesu bwa tanaba okudda kungsi, tekisoboka nti yali asasuddeko omuntu yenna, Yesu nate agamba; "Mujja kusasulibwa kumazuukira aga batuukirivu" (Lukka 14: 14). Ng'okuzuukira bwekutanaba kubeerawo, teri muntu yenna eyafuna empeera.

Okudda okwa Yesu kungsi, okuzuukira okwa bafu n'ogaba empeera eyo bulamu obutaggwaawo eri abatuukirivu byonna bikyali mumaaso.

4. OKUZUUKIRA OKWA BAFU KYEKI?

Yesu yayogera ku "Ibulayimu, ne Isaaka ne Yakobo" okubeera mubwakabaka obwa Katonda. Nolwekyo abafu bwe bazuukizibwa balitegerekeka ng'abantu. Bajja kubera nemibiri, nga Yesu bwe yali Katonda bwe yamuzuukiza okuva mu bafu. Oluvanyuma lwo kuzuukira kwe Yesu yasobola okulabika no kukwatibwa (Yokaana 20: 27) teyali mwoyo ogutalina mubiri. Ekisuubizo ekya mutume Pawulo kyali nti Yesu "Ajja kukyusa emibiri gyafe okufanana ng'omubiri ggwe ogwe kitiibwa" (Abafiripi 3: 21). Kale nga Yesu abo abaliwebwa obulamu obutaggwaawo balibeera ne mibiri egyitafa.

Okuzuukira okwa bafu kujja kubeerawo nga Yesu akomyewo ekusaawe obwakabaka obwa Katonda kungsi. Pawulo atubilira "Kubanga nga mu Adamu bonna bafa, bwekityo mukristo bonna bafuka abalamu...Kristo kye kibala ekisooka, oluvanyuma bebo aba Kristo kukudda kwe (1 Abakkolinso 15: 22-23).

Okutusa olunaku olwo abo abafu, okufa kuli ng'okwebaka (1 Abokkolinso 15: 51; Zabbuli 6:5) okuzuukuka kwabwe okudako kulibeera okuzuukira. Ekisera tekirina kyekigasa mumagombe.

Suubi eya Baibuli eyo kuzuukira yalagibwa ne Malisa edda. Nga yogera ku mwannyina Lazaro, yagamba "maanyi nti alibeera omulamu nate mu mazuukira kulunaku olusembayo" (Yokaana 11: 24).

5. OKUSALIRWA OMUSANGO KYEKI?

Baibuli kyetabusabusa okuva kuntandikwa kye kinno nti Katonda yatuwa eddembe okwesalirawo oba okulonda ekubbo lye oba okuligana.

Atubulira ekijja kubeerawo bwe:

(a) tumukiriza oba, (b) tumugana.

Abantu abamaanyi Katonda era nga basanide gyaali "batekwa bonna okulabikira entebbe eyomusango eya Kristo" (2 Abokkolinso 5: 10). Eri abo abamukolera mu butuukirivu, Yesu aligamba "Mujje mmwe abaweebwa omukisa abakitange, musikire obwa kabaka obwa ba tekatekerwa okuva kuntandika eyensi (Matayo 25: 34).

Abo abatagondera mazima (Abaruumi 2: 8) tebalibera mubwakabaka bwa Katonda. Yesu akakasa binno ebintu, Agamba nti abo abakola ebirungi baliwebwa omukisa no "Kuzuukira okwo bulamu" n'abo abakola obubi balibonabonna okuzuukira okwo kunenyezebwa" (Yokaana 5: 29).

6 KIKI BAIBULI KYEYOGERA KU MEME EGYITAFU?

Baibuli teriko kyeyogera ku mmeme egyitafa, mazima ddala teri, newankubadde, obutafa ne mmeme mwebiri, Ebigambo "emmeme etafa" tebiriko webilabikira mu Baibuli. Ekigambo "Emmeme" (Oluebulaniya Nefesi mundaganno enkadde no luyonani suchi mu ndagano empya) Kitegeza:

(a) Obulamu: gezako 1 Samwiri 22: 23 "Oyo anonnya obulamu bwange; anonnya no bubwo".

(b) Ekitonde ekilamu (Omuntu oba ensolo), ekyokulabirako Lubereberye 46: 18. Yazalira Yakobo emmeme kumi namukkaga" mu Baibuli tusanga nti emmeme (Nefesi, omuntu) ayinza:

(a) Okukwata (Eby'Abaleevi 5: 2)

(b) Okulya (Eby'Abaleevi 7: 20)

(c) Okwonona (Eby'Abaleevi 5: 15)

(d) Okufa (Yoswa 11: 11, Ezeekyeri 18: 4)

Endowooza nti abantu balina emmeme egyitafa yava mubakankensa abayonani. Endowooza enno si ntufu. Tesembewwa Baibuli. Yesu asomesa nti ye ajja okuva mu ggulu, si nti ffe abagenda gyali.

7. ENTUKO EGYOMUMAASO GYE GATA GYITYA AWAMU?

Tuyinza okumaliriza ensomesa ya Baibuli ku bulamu obwo mumaaso bwe tuti:

(a) Bwe tufa tuba tufudde, tuba tetukyali n'obulamu, newankubadde amagezi ag'ekintu kyonna. Tuba twebase okutusa...

(b) Yesu Kristo lwalidda kungsi,

(c) Okuzukiza abafa no

(d) Okusalira omusango bonna abasanidde, abalamu na bafu, awo okusembayo.

(e) Asaawe obwa Kabaka obwakatonda ku nsi.

Danyeri atubulira "bangi kwabo abebaka mu nfuufu eye nsi balizuukuka abamu eri abulamu obutagwaawo, na bamu eri okuswala no kujoogebwa okutakoma" (Danyeri 12: 2).

Kibina ki kyo liberamu? Olina amagezi aggobeerera Yesu kakano? Bwekikola olibeera omulamu nnaye bwaliija mukitibwa kye okusaawo obwakabaka bwa Katonda.

Ye waliwo obulamu oluvannyuma lwokufa, kusaaba kwaffe nti ekisuubizo kinno ekyo muwendo kinaakoma kumutima ggwo era kikuzemu amaanyi okukolera Katonda kati, kubanga "abo abagezi baliyakayakana nga taabaza eyensi n'abo abakyusa abangi eri obutuukirivu balibera nga munnyenye emirembe ne mirembe" (Danyeri 12: 3).

See Christian Life Details